

المختصر في صفة العمرة وأحكامها
(الجمعية)

**(Obubaka) obufunzidwa
mu ngeri y'okukolamu
umrah n'amateeka ga yo**

(Obubaka) obufunzidwa mu ngeri y'okukolamu umrah n'amateeka ga yo

Amatendo amajjuvu g'Allah omulezi w'ebitonde byonna, n'ebyengera n'emirembe bibeere ku nnabbi waffe Muhammad, ne abantu be ne baswahaba be bonna .

Oluvannyuma lw'ebyo byonna

Buno bubaka bumpimpi ku kunnyonnyola engeri y'okkolamu Umrah, N'amateeka gaayo n'empisa zaayo, Twafuddeyo nyo mububaka buno okunnyonnyola omulamazi (agenda okukola umrah) by'asinga okwetaaga.

Ne Allah gwetusaba abufuule obukoledwa kululwe yekka, era agase nabwo abasiraamu bonna

Akakiiko k'abamanyi mu kitongole ekiweereza ky'ebyo ebikwatagana n'obusiraamu mu nnimi ez'enjawulo

Ennyanjula

Ekisooka: obukwakkulizo bwa ibaada (okusinza)

Okusinza tekukkirizibwa Katonda Omusukkulumu okuggyako ku bukwakkulizo bubiri:

Ikhras, ye muntu okukola omulimu ng'asuubila kusiimwa Allah nakufuna mpeela ku lunaku lwe nkomerero, Allah owawaggulu yagamba nti:

﴿وَمَا أُمِرُوا إِلَّا لِيَعْبُدُوا اللَّهَ مُخْلِصِينَ لَهُ الدِّينَ حُنَفَاءَ﴾

"Era mpawo kye baalagirwa okujjako babe nga basinza Allah nga gwe bamalirako yekka eddiini yonna¹", [Al-bayyina:5].

Ne Nabbi (okusaasira n'emirembe bibeere ku yye) yagamba:

﴿إِنَّمَا الْأَعْمَالُ بِالنِّيَّاتِ، وَإِنَّمَا لِكُلِّ امْرِئٍ مَا نَوَى﴾.

"Emirimu gibeera mituufu na kumalirira era buli muntu asasulwa empeera okinziira kw'ekyo ky'amaliridde "²

Okugoberera Nabbi mu bigambo ne mu bikolwa, Nabbi okusaasira n'emirembe bibeere ku yye yagamba nti:

﴿مَنْ أَحْدَثَ فِي أَمْرِنَا هَذَا مَا لَيْسَ فِيهِ فَهُوَ رَدٌّ﴾

¹ Amakulu nti: okukyukira gy'ali n'okumusinja, n'okwesamba byonna ebitali yye. Entaputa (tafsiri) ya Sa'adi (olupapula 538) .

² esangibwa mu bukhari, ku nnamba (1), ne mu muslim, ku nnamba (1907).

"Yenna azuula mu ddiini yaffe eno ekitali kya mu yyo, kiba kyakumuddizibwa"¹ Ne munjogera ya Muslim (1718):

«مَنْ عَمِلَ عَمَلًا لَيْسَ عَلَيْهِ أَمْرُنَا فَهُوَ رَدٌّ».

"oyo yenna akola omulimu nga teguliiko ndagiriro yaffe gumuddizibwa (Tegukkirizibwa)"²

Ekyokubiri: Ennamula y'okuyiga engeri jebakolamu umrah n'amateeka gaayo

Kigwanidde eri oyo yenna ayagala okusinza Katonda Owawaggulu ayige obulagirizi (obulungamizibwa) bwa Nabbi, okusaasira n'emirembe bibeere ku yye mukusinza kw'ayagala okukola. Olwo omulimu gwe gubeere nga gukwatagana ne Sunnah za nnabbi, okusaasira n'emirembe bibeere ku yye, era yali nga akubiriza abantu okumugoberera n'okulungamira ku bulungamu bwe. Era hadith nga eva ku Malik bin Al-Huwairith, Katonda amusiime, yagamba nti: Omubaka wa Katonda, Katonda okusaasira n'emirembe bibeere ku yye yagamba nti:

«صَلُّوا كَمَا رَأَيْتُمُونِي أُصَلِّي».

¹ Esangibwa mu kitabo kya bukhari, nnamba (2697), ne mu kya Muslim, nnamba (1718).

² Esangibwa mu kitabo kya muslim, namba (1718).

"Musaale nga bwemundabye nsaala"¹

Era hadith nga Eva ku jaber Allah amusiime yagamba:

«رَأَيْتُ النَّبِيَّ صَلَّى اللَّهُ عَلَيْهِ وَسَلَّمَ يَزِمِي عَلَى رَأِجَلَيْهِ يَوْمَ النَّحْرِ وَيَقُولُ: لِنَأْخُذُوا مَنَاسِكَكُمْ، فَإِنِّي لَا أَدْرِي لَعَلِّي لَا أَحُجُّ بَعْدَ حَجَّتِي هَذِهِ».

“Nnalaba Nabbi, Katonda amuwe ebyengera n'emirembe ng'akasuka (amayinja) ng'ali ku nsolo ye ku lunaku lw'okusala ebisolo ng'agamba nti: ‘Muyige (oba mujje kunze) emikolo gya mmwe (engeri y'okkolamu emikolo gya hijja); kubanga simanyi nyinza obutaddamu kukola hijja oluvanyuma lwa hijja yange eno”²

Eky'okusatu: obuluungi bw'okukola umrah

Umrah erina ebirungi bya mirundi ebiri: Ebibuna n'ebitabuna.

Ebibuna:

Hadith eva ku Abi Hurairah -Allah amusiime - yagamba nti: Yagamba Omubaka wa Allah -okusaasira n'emirembe bibeere ku yye nti:

«الْعُمْرَةُ إِلَى الْعُمْرَةِ كَقَارَةِ لِمَا بَيْنَهُمَا، وَالْحَجُّ الْمَبْرُورُ لَيْسَ لَهُ جَزَاءٌ إِلَّا الْجَنَّةُ».

¹ Esangibwa mu kitabo kya bukhari, namba (6008).

² Esangibwa mu kitabo kya muslim, nnamba (1297).

(Okuva ku umrah okutuuka ku umrah endala, Allah asonyiwa ebiba bikoledwa wakati wa zo, ne hijja ekkiriziddwa terina mpeera yonna okujjako e jjana)¹

Hadith nga eva ku Abdallah bin mas'uud (Allah amusiime) yagamba: Yagamba Omubaka wa Allah (okusaasira n'emirembe bibeere ku yye):

«تَابِعُوا بَيْنَ الْحَجِّ وَالْعُمْرَةِ، فَإِنَّهُمَا يَنْفِيَانِ الْفَقْرَ وَالذُّنُوبَ كَمَا يَنْفِي الْكَبِيرُ [8] خَبَثَ الْحَدِيدِ وَالذَّهَبِ وَالْفِضَّةِ، وَلَيْسَ لِلْحَجِّ الْمُبْرُورِ ثَوَابٌ إِلَّا الْجَنَّةُ».

(Mugoberezeganye wakati wa hajji ne umrah; kubanga byo (hajji ne umrah) biziya obwavu n'ebibi nga envubo bwejjako obucaafu bwe kyuma ne zaabu ne feeza ,Era hijja ekkirizidwa terina mpera yonna okujjako e jjana)²³

Ate ebitabuna bili mu Ramadhan: Hadith nga eva ku Ibn abbas Allah abasiime (yye ne taata we) mazima omubaka wa Katonda okusaasira n'emirembe bibeere ku yye yagamba:

«عُمْرَةٌ فِي رَمَضَانَ تَقْضِي حَجَّةً مَعِيَ» [10].

¹ Esangibwa mu kitabo kya bukhari, namba (1773), ne mu kya muslim, namba (1349).

² Esangibwa mu kitabo kya tirimidh, namba (810), ne mu kya nasaa-i, namba (2631).

³ Ekifo awabeera omurilo omuwesa gw'aweseza . Bisaangibwa mu kitabo kyebayita Attamheed ekya ibn Abdul-Barri (15/102)

"Umrah yo mu mwezi gwa Ramadhan yenkanankana hijja ekoledwa wamu nange"¹

Engeri y'okukola umurah

Ekisooka: Amateeka agakwaata ku Mawaaqiiti

Mawaaqiit: Bye bifo Nabbi -Okusaasira n'emirembe bibeere ku yye- byeyalaga abo abaagala okukola Hijja oba Umrah okuyingiriramu mu mizizo²

Oyo yenna ayita ku kimu ku bifo ebyo nga mumalirivu wa kukola Hijja oba Umrah: Kimukakatako okuleeteramu niyya y'emikolo, era takkirizibwa ku kisukka nga tannaba kuleeta niyya.

Era oyo yenna abeera ng'ali kumpi ne Makkah okuva eri ebifo bino: oyo ekifo mw'ali mw'aleetera niyya; mw'aleetera niyya y'emikolo gya Hijja ne Umrah.

Songa ate abantu bo mu Makkah n'oyo anuyiriridde mu Makkah: banuyirira hijja mu Makkah, Songa ate umrah: mazima bbo bafulumu Makka, ne bagenda nga Ettan-eem n'ebifaananako webityo.

¹ Amakulu: yenkanankana hijja ekoledwa wamu nange, nga bwe kiri mu njogera (eza hadith) endala.

² Amakulu okuletelamu enniyya ya hijja oba umrah

Ate oyo yenna abeera ng'ali mu nyonyi: mazima yye anuyirira singa abeera ayisinganya miiqaat, n'abeera nga yetegeka n'ayambala engoye za ihram nga tebannatuka kuba nti bajiyisa, singa bajituukako awo wenyini wanuyirira, era takkirizibwa kukukeeleya (okunuyirira) mpaka lwebagwa ku kisaawe, era asobola okuleta talbiya nga tebannatuuka kuba nti bayisa miiqaat okubeera kubwelinde mu mbeera nti ekifo w'alina okugireetera kiyinza okumuyitako; olw'okwanguwa kw'enyonyi.

Eky'okubiri: Engeri y'okukolamu Ihram N'amateeka agagikwaatako.

Ayagala okuyingira mu mizizo bino by'agwannidde okukola:

Okunaaba, era nga sunnah nkakafu eri abasajja n'abakazi, n'abakyala abali mu nsonga n'oluvannyuma lw'okuzaala.

Okwekuba akawoowo akasinga obulungi okugeza nga mu uudi n'ebirala ng'asiiga mu mutwe gwe ne mu kilevu kye, era okumusigalako kw'akawoowo tekumukosa new'aba amalirizza okuleeta Ihram, songa ate omukyala takkirizibwa kwekuba kawoowo kalimu kawunya ; aleme kuwunyirizibwa basajja bagwira (abatamuzira).

Okwambala engoye za ihram, nga ye nkutu n'essuuka, era kiri sunnah engoy'ezo neziba nga zombi njeru , nga nnyonjo oba nga mpya . Ate omukyala ayambala kyonna ky'aba ayagadde mu ngoye kasita tayambala zijjaye bya kwewunda bye, okujjako okuba nti yewala okwambala niqab ne gloves, era asobola okubikka ekyenyi kye n'emikono gye nga takozesezza ebyo ebibiri (niqab ne gloves).

Okuleeta niyya y'okuyingira mumizizo gya Hijja oba Umrah oluvannyuma lw'okusaala kiri mumateeka, k'ebe swala ya bwatteeka oba ya kyeyagalire, era n'ekyo si kya tteeka.

Agamba nti: (Nze wuuno, Ayi Katonda, ku lwa Umrah), bw'aba ng'akola Umrah ku lw'omuntu omulala, agamba nti: “Nze wuuno, Ayi Katonda, ku lwa Umrah ku lwa fulaani.”

Singa omuntu ayagala okunuyirira (hijja oba umrah) abako ekintu kyonna ky'atya ekiyinza okumulemesa okumaliriza emikolo gye , kigwanidde gyaali okukomeka mukiseera ng'anuyirira n'agamba nti: (Labbaika Allahumma umrah , fa in habasani haabisu fa mahilli hayithu habastanii) ebbaanga ly'amala nga akomese newabaawo ekimutuukako mw'ebyo ebiyiinza okumulemesa okumaliriza emikola

gye, mazima ddala yye akkilizibwa okusazaamu emikolo era tayina kimuvunanyizibwa (nga okuwa omutango)

Oluvannyuma n'ayitiriza okuleeta talbia: (Labbaika Allahumma Labbaika, Labbaika laa shariika laka Labbaika, inna alhamda wa-nni emata laka walmulk laa shariika laka), omusajja asitula nayo ddoobozi lye , na bwekityo omukyaala; ebbaanga lyamala nga tali mubasajja batamuzira, era ki gwanira eri oyo yenna eyanuyiridde okuba nti ayitiriza mu kwoogera ekigambo ekyo n'okusingira ddala mukukyuka kyuka kw'ebiseera n'ebifo, okugeza nga mu kwambuka ne mu kukkirira oba okuyingirawo kw'ekiro oba emisana .¹

¹ Amakulu g'ekigambo ky'omuntu ekigamba nti(Labbaika): kitegeeza nti nnyanukudde gyoli omulezi wange, emurundi n'omulala, era amakulu ga kyo ge gano: omuntu okwanukula omuleziwe n'okumugondera. “ Mazima amatendo gonna n'ebyengera byonna bibyo n'obufuzi" N'amatendo kwe kuwaana n'okusuuta n'ebitendo ebijjuvu awamu n'okwagala n'okugulumiza, singa amatendo ago gaddinjanizibwa kiba kifuuse kusuuta. N'eKyengera : ky'ekyo Katonda kya sukkulumya nakyo abaddu be mu nsonga z'okufuna ebyo byebaagala n'okubataasa ebyo ebitamwa, n'ekigambo kye nti: (obufuzi) kitegeeza nti obufuzi bwonna bubwo, kale Katonda ow'ekitiibwa omusukkulumu ye mufuzi yekka mu bw'omu bwe, Era era n'ekigambo kye ekigamba nti: (tolina kimwegattako) kitegeeza nti tewali kikwegattako mw'ebyo bye

Okuleeta Talbia Kyalaalikibwa mu umrah okuva omuntu wanuyirira okutuusa lw'atandika okwetooloola .

Kyatteeka eri omuntu eyanuyiridde okuba nti yewala okugwa mw'ebyo ebikugilwa (ebitalina kkolebwa) okutuusa lwa fuluma (oba) lwa malilizza emukolo gye.

Eky'okusatu: Engeri y'okwetooloola Kaaba

Singa omulamazi ayingira omuzikiti ogw'emizizo kili sunna gyaali okukulembeza okugulukwe okwa ddyo n'ayogera edduwa eyingira omuzikiti, era n'ezimu ku ntuufu (edduwa) mu mbeera eyo kwe kwogera nti: " Allahumma iftah lii ab'waaba rahmatika", era edduwa eno agyogera nga ayingira omuzikiti gwonna, era teyeyawuludde nti esomebwa ku muzikiti ogw'emizizo gwokka.

Singa ayagala okuba nti atandika okwetooloola mazima yye asazaamu Talbia, n'akola kyebayita itwiba-a, n'egeri itwuba-a jekolebwamu: kwe kuddila ekitundu kye ssuukaye (ihram eyawaggulu) n'akiteeka

wayawukana nabyo mu bitendo ebituukiridde, omuli obufuzi, okutonda, okuddukanya obutonde n'okusinzibwa. Bisangibwa mu Majmu'u fataawa ne Rasaili za Uthaimiin(22/96) Ebifunze.

wansi w'enkwawa ye eya ddyo, n'ekitundu ekisigadde nga kyo kili ku kibegabega ekya kkono, singa aba amalirizza okwetooloola azzaayo essuukaye (ihram) nga weyabadde nga tannataandika kwe tooloola; kubaanga itwiba-a ekifo kyayo mu kwetooloola wokka.

Oluvannyuma n'agenda awali ejjinja eriddugavu n'alikwatako n'omukono gwe ogwa ddyo n'alinywegera, bw'aba nga tasobodde kulinywegera alikwatako n'omukono gwe n'anywegera omukono gwe, era w'aba nga tasobodde ku kwatako n'omukono gwe, akwaasaako ekintu kyonna ky'aba alina okugeza nga akaggo n'akanywegera era singa nako aba tasobodde mazima ddala yye akyuuka neyeeyoleka awali ejjiinja n'alazaayo n'omukono gwe olulaza era tagunywegera, n'ekisinga obuluungi butaleetawo kwenyiga n'akkosa bantu ate naye nebamukosa.

Era ayogera mukiseera nga atuuse awali ejjiinja oba nga alazizzaayo bulaza: (Allahu akbar).

Oluvannyuma n'atambula ng'adda kuludda lwe olwa ddyo n'afuula ka'ba nga eri ku ludda lwe olwa kkono, watuuka ku Ruknu Al yamaanii agikwatako naye taginwegera, era singa kiba tekisobose taleetawo kwenyiga, era talaza gyeeri.

Era ayogera nga atuuse wakati wa Ruknu Al yamaani n'ejjiinja eriddugavu (Rabbana aatina fidduniya hasanata wafil aakhirati hasanata waqinaa adhaaba nnaari).

Era buli lwayita ku jjinja eriddugavu alaza gyeliri n'omukono gwe n'agamba nti: (Allahu Akbar).

Era ayogera mu kweetooloolakwe okusigaddeyo ebyo by'aba ayagadde mu kutendeleza n'okusaba Allah n'okusoma quran.

Era kili sunna okuba nti emilundi esatu egisooka gyokka okuba nti atambula mu bwangu, nga ebigere biddiringana, songa ate emirundi ena egiba gisigaddeyo tegiriimu kwanguwa, wabula yye atambula nga entambula ye eyabulijjo.

Bw'amaliriza okwetooloola, agenda awali Maqaam Ibulahiimu n'asoma:

﴿...وَاتَّخِذُوا مِنْ مَّقَامِ إِبْرَاهِيمَ مُصَلًّى﴾

(Era muteekewo mu kifo kya Ibrahiim awasaalibwa), [Al-baqara: 125] Oluvannyuma asaala raaka bbiri emabega wa maqaam Ibrahim singa kiba kimwanguyiridde, wekiba tekisobose asaalira mu kifo kyonna mu muzikiti, mu raaka esooka Oluvannyuma lwa Al-Fatihah asoma:

﴿قُلْ يَا أَيُّهَا الْكَافِرُونَ﴾

(Qul yaa ayyuhal kaafiruuna)¹ [Alkaafiruuna: 1]
Ate mu raaka ey'okubiri oluvannyuma lwa Alfatiha
n'asoma:

(قُلْ هُوَ اللَّهُ أَحَدٌ)

(Qul huwa Allahu Ahad). [Al-Ikhlaasw: 1]

Eky'okuna: Engeri y'okutambula wakati wa Safa ne Maruwa

Bw'amaliriza okwetooloola ne raaka zaakwo
ebbiri, afuluma okugenda mu kifo webatambulira,

Bw'asemberera Safa, asoma nti:

(إِنَّ الصَّفَا وَالْمَرْوَةَ مِنْ شَعَائِرِ اللَّهِ...)

(Inna sswafaa wal Marwati min sha-aa-iri Allah)
[Al-baqara: 158]. Oluvannyuma n'agamba nti:
"ntandika n'ekyo Allah kyeyatandika nakyo".

«أَبْدَأُ بِمَا بَدَأَ اللَّهُ بِهِ».

«Ntandika n'ekyo Allah kyeyatandika nakyo»².

Oluvanyuma n'alinnya ku lusozi safa okutuusa
lw'alaba Kaaba oba oludda lwayo , n'ayolekera gy'eri,
n'alangirira obw'omu bwa Katonda, n'amugulumiza,
n'agamba nti: “Tewali katonda asinzibwa mubutuufu
bwokusinzibwa) okuggyako Katonda yekka talina

¹ Surat kafiruuna

² Esangibwa mu kitabo kya muslimu, namba (1218).

kimwegattako kyonna, obufuzi n'amatendo (byonna) bibye era yye y'alina obusobozi kubintu byonna Tewali asinzibwa mubutuufu yenna okuggyako yye yekka ye yatuukiriza ekisuubizo kye, era nanunula omudduwe, era namegga ebibinja.”Kino akiddinngana emirundi esatu, era wakati w'emirundu egyo asabilawo edduwa ze.

«لَا إِلَهَ إِلَّا اللَّهُ وَحْدَهُ لَا شَرِيكَ لَهُ، لَهُ الْمُلْكُ وَلَهُ الْحَمْدُ، وَهُوَ عَلَى كُلِّ شَيْءٍ قَدِيرٌ، لَا إِلَهَ إِلَّا اللَّهُ وَحْدَهُ، أَنْجَزَ وَعْدَهُ، وَنَصَرَ عَبْدَهُ، وَهَرَمَ الْأَحْزَابَ وَحْدَهُ»، ثُمَّ دَعَا بَيْنَ ذَلِكَ. قَالَ مِثْلَ هَذَا ثَلَاثَ مَرَّاتٍ.

«laa ilaaha illa Allah wahdahu laa shariika lahu, lahul-mulku walahul-hamdu, wahuwa alaa kullli shayi-en qadiir, laa ilaaha illa Allahu wahadahu, anjaza wa-adahu wanaswara abdahu, wahazama al-ahzaaba wahadahu» oluvannyuma n'osoma edduwa wakati w'ebigambo ebyo. Ayogera bw'atyo emirundi esatu.

Oluvannyuma N'akka okuva ku lusozi safa ng'adda kulusozi Marwa ng'atambula n'ebigere, Bw'atuuka ku bendera (ebitaala)ebya kiragala atambula olutambula olwamangu, bw'atuuka ku bendera (ebitaala) eya kiragala ey'okubiri atambula nga bulijjo, era tekikubilizibwa kwanguwa nnyo kubakyala.

Bw'atuuka kulusozi Marwah, asaanidde okukola bye yakoze nga ali ku Safa (Akatundu No. 2).

Oluvannyuma akka okuva ku lusozi Marwah ng'adda ku (lusozi) Safa ng'atambula, Bw'atuuka ku

kabonero aka kiragala, ayongeramu ku bwangu mukutambula, Bw'atuuka ku kabonero aka kiragala ak'okubiri, atambula nga bulijjo.

Era bwekityo bwekiba okutuusa lw'amaliriza emirundi musanvu, okuva ku Safa okutuuka ku Marwa mulundi gumu, era n'okudda kwe okuva ku Marwa okutuuka ku Safa mulundi mulala.

Era ayogera mukutaambula kwe kwonna ky'ayagala mukujjuka (Allah) mukusaba (edduwa ez'e njawulo) n'okusoma (kyonna ky'aba asodde).

Eky'okutaano: Engeri y'okusala enviiri okuzimalako n'okuzikeendeezaako:

Singa omulamazi (ali mukukola umrah) amaliriza okwetooloola kwe ne n'kutambula wakati wa Safa ne Maruwa, kimukakatako okusalako enviiri ze zonna ku mutwe gwe oba okuzikendeezaako singa abeera musajja, era kiri mu sunnah okuba nti okusalako enviiri zonna n'okuzikeendeezaako kibuna omutwe gwonna.

N'okumalako enviiri zonna kisinga okuzikendeezaako, okujjako singa obudde bwa Hijja buba buseembedde nga tebusobozesa nviiri za ku mutwe kuba nti zimera; katinno wano ekisiinga mu

mbeera eyo kwe ku koma kukukeendeezaako obukeendeeza n'otazisala kuzimala ku mutwe.

Ate omukyala akeendeeza okuva ku nviiri ze awasemba ekipimo ekyenkana ekiseera ky'olugalo.

Ebikugirwa mu mikolo gya hijja ne umrah

Ebikugirwa mu mikolo gya hijja ne umrah bye bino:

Okusalako enviiri oba okuzikeendezaako oba okuzikuunyula okuva mukifo kyonna ku mubiri gwo.

Okusala enjala zonna oba ezimu kuzzo endala ku bigere oba ku mikono.

Okubikka omutwe n'ekintu ekigwekutteko, okugeza: enkoofiira, ekitaambaala, okuteeka essuuka ku mutwe gwo, oba okuteekako akataambaala, oba ekibookisi oba ebirala ebitali bino naye nga nabyo bigendererwamu okwebikka. Era kino kyeyawulidde basajja bokka awatali bakazi.

Okwambala engoye eza bulijjo ezitungiddwa nga omubili gw'omuntu; mukifaananyi kyazo nga bwezimanyikidwa, okugeza: olugoye olutungiddwa ne wuzi, n'empale, n'amasaati, n'esookisi, n'egilavuzi, Era kino kye yawuludde basajja bokka awatali bakazi. Era mazima yye agaanibwa bino:

Okwambala niqab oba burq'a oba olugoye olufaanana ne niqab, era kimukakatako okubikka

ekyenyi kye ng'ali mu maaso g'abasajja abagwira (abatamuzira ku fumbirwa) n'ekibikka ekimanyikiddwa ekye kyenye; Ekibikka ne bwe kiba nga kikwata ku maaso ge, era tekikkirizibwa kuteeka ku mutwe kintu (ng'akalabirwaamu ka helmet) oba ekintu ekifaananako bwe kityo okusobola okutangira ekibikka ekyenyi kye okukikoonako (ekyenyi); Kubanga tewali bukakafu bulaga kintu ekyo.

Okwambala gilavuzi mu mikono gye, era kyatteka gyaali okubikka emikono gye mukiseera ng'ali mubasajja abatamuzira nga agiteeka munda mu abaaya ye.

Okwekuba akawoowo ku mubiri, oba ku lugoye lwa Ihram.

Okutta ekiyiggibwa eky'okulukalu ob'a okukiyigga ne bw'oba tokisse.

Okwogereza, ku kulwe oba ku lw'omulala.

Endagaano y'obufumbo (okuwoowa).

Okuweeweeta obutali bwereere; nga okunywegera, n'okumukwatako n'obwagazi.

Okwegatta, nga kino kwe kwegatta n'omukyala munsonga z'ekifumbo

Emirimu egikolebwa mu umrah mu bufuunze (giri kulupapula olusembayo).

Okunaaba

Okwekuba obuwoowo.

Okwambala engoye za ihraam.¹

Ihram, nga kwe kunuyirira okuyingira mu mikolo gya Hijja oba Umrah.

Talbia.

Okwetooloola kaaba.

Okusaala laaka bbiri emabega wa maqaam

Okutambula wakati wa swafa ne maruwa.

Okusalako enviiri zonna oba Okuzikendeezaako.

Ne Allah y'asinga okumanya n'ebyengera n'emirembe bidde eri nabbi waffe Muhammad.

¹ Nga lwe lugoye olukolebwamu emikolo gya hijja oba umrah

الفهرس

(Obubaka) obufunzidwa mu ngeri y'okukolamu umrah n'amateeka ga yo.....	2
Ennyanjula.....	2
Ekiisooka: obukwakkulizo bwa ibaada (okusinza).....	2
Ekyokubiri: Ennamula y'okuyiga engeri jebakolamu umrah n'amateeka gaayo.....	4
Eky'okusatu: obuluungi bw'okukola umrah.....	5
Engeri y'okukola umurah.....	7
Ekiisooka: Amateeka agakwaata ku Mawaaqiiti.....	7
Eky'okubiri: Engeri y'okukolamu Ihram N'amateeka agagikwaatako.	8
Eky'okusatu: Engeri y'okwetooloola Kaaba.....	11
Eky'okuna: Engeri y'okutambula wakati wa Safa ne Maruwa.....	14
Eky'okutaano: Engeri y'okusala enviiri okuzimalako n'okuzikeendeezaako:	16
Ebikugirwa mu mikolo gya hijja ne umrah	17
Emirimu egikolebwa mu umrah mu bufuunze (giri kulupapula olusembayo).....	19